**12th June 2016.**

# MUKAMA KATONDA ASUUBIZA N'ATUUKIRIZA.

**Lubereberye 12 -13:4**

Nga bwe nnali nkyanjudde, omulundi oguwedde, essuula yaffe eno eya leero yetandika ekitundu eky'okubiri ekikulu mu kitabo kyaffe eky'olubereberye era eky'entandikwa ng'omulamwa gw'akyo omukulu bwe bulamu bw'omusajja Ibulaamu era eyatuumwa Ibulayimu, Musa gwe yawandiikako essuula kkumi na ssatu, omusajja amanyiddwa nga Jjajja ffe abakkiriza, era okukakasa amaanyi ga Mukama, Abasiraamu, Abayudaaya n'Abakristaayo mu nsi yonna balina enkwaso y'okukkiriza kwaabwe mu musajja ono.

Ku basajja bonna aboogerwako mu Baibuli, Ibulaamu/Ibulayimu y'ayitibwa 'mukwano gwa Katonda'( II Eby'omumirembe 20:7; Isa.41:8; Yakobo 2:23).

Era n'empaandiika ku bulamu bwe mu kitabo kino etulaga amazima g'ebyawandiikibwa bya Baibuli obutabaamu ky'ekubirira, kubanga tulagwa obulamu bw'omusajja bwonna, ebirungi n'ebibi mu byonna ne tufuna okuyigirizibwa okutuufu kw'eby'okulabirako ebya nnamaddala, okkakasa nti engero za mu Baibuli ssi nfumo bufumo(ngiiye).

Ng'omukkiriza, bingi nnyo bye nneesunga okuyigira ku bulamu bw'omusajja ono.

Ku mulamwa gwaffe leero **"Mukama Katonda Asuubiza N'atuukiriza",** tulagwa Ibulaamu bw'ayingizibwa mu kifaananyi ng'omuntu nga ffe, eyalondwa Mukama mu bangi olw'ekisa kye n'okwagala kwe, n'asalawo amweyoleseze mu bujjuvu bw'ekitiibwa kye era nga wadde ng'abantu taabe mwesigwa entakera gyaali, ye Mukama atali mwana wa muntu kw'ekyuusa asigalira ddala ku nsonga y'okwagala kwe okutuukirizibwa n'amutuukiririzaamu okwagala kwe kwonna, era olw'obuyinza bwe obw'ekitalo. Nga II Timoseewo 2:13 bwe lugamba nti " Ffe bwe tutaba beesigwa, ye aba mwesigwa, kubanga teyeewakanya".

Tusome 12 ….

Kubanga Mukama atumanyi bulungi nnyo obuva n'amagenda n'enkomerero, takolagana naffe mu nteeseganya wabula mu biragiro ebitweetaagisa ffe okumukkiririzaamu n'okumwesigira ddala olwo tuganyulwe mu ntabagana zaffe naye… nga bwe yalagira Ibulaamu mu lnny.1…. Kubanga n'Abaeb 11:6 lugamba..

Olwo nga bwe tulaba Mukama asuubiza Ibulaamu, ebisuubizo bya Mukama gw'omukisa omuli empeera yaffe olw'obuwulize bwaffe gyaali. Engero 10:22 "Omukisa gwa Mukama gwe gugaggawaza, So tagatta buyinike bwonna wamu nagwo."
Yamusuubiza okumufuula eggwanga eddene….Isirayiri lye ggwanga erikyasinze obututumivu mu byafaayo by'ensi yonna, ate nga tumanyi nti ne mu mirembe egiggya kineeyongera bweyongezi kutuukirizibwa nga n'obwakabaka bw'ensi zonna buggiddwaawo.
Yamusuubiza okumuwa Omukisa n'erinnya lye alifuule kkulu….. era Nakati bwekityo bwe kiri, ne bwekiriba emirembe n'emirembe…….
Yamusuubiza obukuumi obw'enjawulo obusibukira ne mu matwaale(realms) g'omumwooyo(spirit)…. lnny.3
Era yamusuubiza okumufuula omukisa eri amawanga gonna mu nsi….. era nga bwe guli……

Na bwekityo ne bwe yandibadde nze, Ibulaamu yagondera ekiragiro kya Mukama wadde tekyaali na kyangu kutegeera mu kaseera ako. Kyokka nga kye kyaamuwa enkizo y'okuba n'okukkiriza okutugwaanidde ffena abayite era abalonde ba Mukama olw'ekisa kye ekingi, n'okwagala kwe okuyitirivu.
Bwatyo n'ava e Kalani n'agenda e Kanani, Mukama gye yamulabikira mu lnny.7 n'amukakasa nga bwamuwaddeyo, olwo ne Ibulaamu n'asinza Mukama. Nga naffe bwe tuggibwa mu Kizikiza ne tuyingira mu Kitangaala, kyokka wadde tubeera mu weema zino z'emibiri gyaffe, ne tuwaayo emitima gyaffe okusiinzanga Mukama.
Olwo ne twegazaanyiza mu nsi ensuubize mu mwoyo n'ebyoto ebikoledde okwagala eri Mukama Katonda waffe. Nny.8,9…….

Naye nga bwe tweyongera okulaba mu lnny.10, mu nsi ensuubize mubaamu ebiseera by'ekyeeya, nga bino by'ebiseera era ebiro by'okugezesa era okkuza okukkiriza kwaffe mu Mukama olwo tweyongere okkula mu ntabagana zaffe naye, tusobole okkuzibwa mu miganyulwo gy'emikisa gyaffe okuva gyaali.
Awo we tulabira Ibulaamu agwa, kubanga embeera yamuyitirirako n'ava ku Mukama n'akkirira e Misiri, era okugendayo teyeebuuza ku Mukama, nga bwe tuliraba mutabani we Issaaka akola era n'agaanibwa. (Lub.26).

Era nga bwe guba naffe gyetuli mu biseera ng'ebyo wabaawo okweeyiiya oluusi n'obulimba oba empitambi z'etweekobaanya nazo ebituleetera akabasa wadde nga munsookerezo tweyagaliramu akaseera, oluusi nga mwe muli n'obweelariikirivu, oba okutya ebitaatugwaanidde, era byonna obutaliimu bw'ensi eno bye butuleetera obutaliimu bumativu bwa bulamu wabula obuswaavu n'emitawaana nga Ibulaamu gye yeeleetera nga bwe gwaali kw'olwo kyokka ate ne gye bujja, kubanga kw'olwo lwe yaweebwa Haggari kanaaluzaala w'eliggwa mu bazzukulu ba Ibulayimu emirembe gyonna.

Kyokka olw'okuba Mukama Katonda waffe asuubiza n'atuukiriza era nga bwe twaalabye nti "Ffe bwe tutaba beesigwa, ye aba mwesigwa, kubanga teyeewakanya". Era ng'omuzadde ataboggolera buboggolozi mwana we agudde ng'ayiga okutambula, Mukama yakuuma Ibulaamu ne mukazi we Salaayi n'abaggya e Misisri ne badda mu nsi ensuubize n'ebyobugagga.
Tusome 13:1 – 4. Gyeluggweera……….
Olwo ne tukakasiza ddala nti Mukama Katonda waffe asuubiza n'atuukiriza…
Mukama yeebazibwe.